# Baleese omubaaya mu kulwanyisa abazannyi abakozesa ebiragalalagala

Bya FRED KISEKKA

AKAKIIKO akafuga emizannyo mu ggwanga (National Council Of Sports, NCS) ne Uganda Olympics Committee (UOC) bawanze ggiya mu kulwanyisa ebiragalalagala mu bazannyi.

Bataddewo ekitongole ekigenda okufeffetta abakozesa ebiragalalagala mu mizannyo gyonna egya Uganda ekya National Anti-Doping Organisation (NADO).

NADO kikulirwa Polof. Celestino Obua nga bammemba abalala ye; William Blick (yaliko pulezidenti wa UOC), Susan Anek (yaliko pulezidenti w'ekibiina ky'okubaka), Richard Karutamu ne Doreen Achipa. Bano baayanjuliddwa mu ttabamiruka wa NCS n'ebibiina by'emizannyo eyabadde ku Cooper Chimney e Lugogo ku Lwokubiri

Ssaabawandiisi wa NCS, Dr. Patrick Bernard Ogwel yagambye nti, "Uganda y'emu ku mawanga kati agateereddwaako eriiso ejjogi ku bazannyi baayo ab'omupiira, abaddusi, abeebikonde, abasitula obuzito n'aboobugaali. Ekigezo ekisooka ekibalinze kya NADO."

Polof. Obua yalabudde nti, "Amateeka amakakali ge tuleeta mulimu okutanza omuzannyi azuulibwamu ebiragalalagala obukadde 20 ate n'ekibiina ky'omuzannyo gwe bwe kanaakitanda nga kyabibaddemu n'omukono kyakutanga ssente ze zimu."

Pulezidenti wa UOC n'emizannyo gya Commonwealth, Dr. Donald Rukare yalunnamizza nti mu kiseera kino Uganda teri ku lukalala lw'amawanga agasulirira okuteekebwako ekkoligo olw'ebiragalagala nti naye okutandika n'omwaka ogujja amateeka g'ekibiina ekibirwanyisa mu nsi yonna (World Anti Doping Agency, WADA) gagenda kutandika okuluma buli omu abikola.


FRED KISEKKA

Polof. Obua